

Kyabazinga (ku kkono) nga bamulaga ebimu ku bitabo ku nnimi ennansi.

# Makerere eyolesezza tekinologiya w'okutumbula ennimi ennansi

Bya JACKSON SEWANYANA NE PETER SSUUNA

MU kaweefube ow'okukulaakulanya ennimi enzaaliranwa, yunivasite y'e Makerere yayolesezza tekinologiya anaasobozesa okuzitumbula okutuuka ku ddaala ly'ensi yonna.

Mu tekinologiya ono, kuliko akyusa amaloboozi ag'ennimi engwira n'agazza mu bigambo ebiwandiike mu kyapa eky'ennimi za wano, wamu n'okukyusa ebigambo eby'ennimi engwira n'abizza mu maloboozi ag'ennimi za wano.

Baayolesezza ne tekinologiya avvuunula ebigambo okuva mu Lungereza oba olulimi olulala lwonna olugwira okubizza mu za Uganda ennansi, ssaako ayambako mu kulaga n'okugolola ensobi abakozesa kompyuta ze bakola mu mpandiika entongole ey'ennimi zaffe enzaaliranwa.

Omugenyi omukulu yabadde Kyabazinga, Gabula Nadiope IV, eranga ku mukolo guno kwe yasinzidde n'atongoza okusomesa Olusoga ku yunivasite eno.

Yagambye nti ennimi enzaaliranwa zisukka ku kuba ekintu kye tukozesa okwogerezeganya ne zituwa endabika eyaffe ey'enjawulo ku balala n'okulaga ebyafaayo n'ekitiibwa kyaffe. Yakubirizza Abasoga okwewandiisa e Makerere basome Olusoga mu ngeri ey'ekikugu.